**OKUZIYIZA N'OKULAGA OBUVUNANYIZIBWA ERI EBIKOLWA EBY'OKUTULUGUNYA MU UGANDA NGA TULIMUBISEERA BY'OKULONDA ATE N'OKUTEKESA AMATEEKA GASENYIGA OMUKAMBWE (COVID19) MUNKOLA.**

**Kya Kufurumirizibwa mbagirawo**

**24-9-2020, 9:00 AM**

**Ensibukko**

Ekitongole kya African Centre for Treatment and Rehabilitation of Torture Victims (ACTV)kitongole kya bwanakyewa ekyatandkibwawo mu 1993 n'omulamwa gw'okulwanirira eddembe ly'obutatulugunyizibwa era n'okubudabuda abatulugunyizidwa. Ekitongole kya ACTV kirina abakugu abenjawulo omuli; Banamateka, Abasawo nabajjanjabi, ababudabuda abantu mubirowoozo nekumbeera zabwe ezabulijjo erabano bebawa obujjanjabi n'okubudabuda abo ababa batulugunyizidwa. ACTV kyekitongole kyoka mu Uganda ekiwa obujjanjabi n'okubudabuda okwobwerele eri bana Uganda n'abo abatali banaUganda abatulugunyizidwa.

Okutyoboola eddembe ly'obutatulugunyiza kikyali kyakusomoza Kunene eri egwanga Uganda era kireeta okutya olwemiweendo ejirinya bulikiseera mulipoti zaffe eza ACTV newankubadde nga waliwo amateeka agakugira ebikolwa ebyobutatulugunyizibwa.

Okulaga kino, Mumwaka 2015; abantu 1,277 (916 Baami, 361 Bakyala)betwawandika nga batulugunyidwa, mu 2016;1,346 (991 Baami, 355 Bakyala)mu 2017;834 (632 Baami, 202 Bakyala) mu 2018; 1071 (317 Bakyala, 754 Baami)ne mu 2019, 2020 (707 Bakyala, 1,313 Baami). Kino tegeeza nti mu myaka 5, ACTV ewadde obuyambi abantu abulugunyidwa 6,548 (4,606 Baami, 1,942 Bakyala)!

**Enyanjula**

Kulwokusatu nga 1 July, 2020, Minister w'esonga za semateeka no bwenkanya, Hon. Ephraim Kamuntu wamu ne Sabawolereza w'agavumenti n'abakungu okuvva Mukitongole Ky'ebyokulonda, balabikakko mukakiiko ka Parliament ak'ebymateeka nebakakasa egwanga nti tewali kijja kulemessa banaUganda kukuba Kalulu nga sematekka Uganda owa 1995 bwalagira munyingo 59.

Okugyako obulwadde bwasenyiga omukambwe (COVID-19) n'o kusomozebwa kwebutekka ku kwebyokulonda okwamazima n'obwenkanya era okutunulira demokulasiya nadala mu Uganda, Ekitongole Ky'ebyokulonda kisimbye era ne kikalara nti okulonda kwakugenda maaso era ng 16th June 2020, kyafulumya enambikka empya (roadmap) eyo kulonda kwabonna okwa 2020/201. Ekitongole Ky'ebyokulonda nga kiteeka munkola enambikka eno, egwanga lirabye emivuyo mingi egyeyolekedde mubyokulonda, era egimu negivamu abantu bangi okutulugunyizibwa nga bwetubadde tulaba mumawulire agengyawulo.

Nga tusemberera okulonda kwabona okulibaawo wakatti 10th January 2021 - 8th February 2021, tulina okukimanya nti eddembe ly'obutatulugunyizibwa dembe lyabwebange era tewali mbeerayona omuntu yena mwakirizibwa kutulugunyizibwa okusinziira kunyigo 24 ne 44 (a) musemateeka wa Uganda. Akawayiro kanno kagamba nti bulimuntu yena alina eddembe okweyagilira muddembe ly'obutatulugunyizibwa awatalikusinzira kumywaka, ekikula, egwanga, kalla, oba endowooza yeby'obufuuzi. Nga ogye okuba nti obutatulugunyizibwa dembe lyabuntu naye era okutulugunya musango era waliwo n'ekiboberezo Muteeka eriziyiza ebikolwa ebyokutulugunyizibwa eya 2012 (PPTA2012) munyingo 4 ne 7.

**Abantu abatulugunzidwa mubiseera byo kulonda emywaka egizze giyitawo**

Emiwendo mukitongole kya ACTV giraga nti wabaawo okweyongera kwemiwendo gyabantu abatulugunyizabwa mubiseera byo kulonda okugenza nga; 2006, 2012ne 2016 nga bwekiragidwa wansi;

**Emiweendo nga bwejizze jiwandikiibwa bulimwaka ku ACTV mubiseera by'okulonda.**

| Years | 2004 | **2005** | **2006** | 2007 | 2008 | 2009 | **2010** | **2011** | **2012** | 2013 |
|---|---|---|---|---|---|---|---|---|---|---|
| Number of Victims | 438 | **754** | **1145** | 1400 | 1410 | 1350 | 1,385 | **1,132** | **1,337** | 1663 |

| Years | 2014 | **2015** | **2016** | 2017 | 2018 |
|---|---|---|---|---|---|
| Number of victims | 1154 | **1277** | **1346** | 834 | 1070 |

**Okuvva omwaka gunno 2020 bwegwatankka**

| | **ACTV KAMPALA** | | | **ACTV GULU** | | | |
|---|---|---|---|---|---|---|---|
| **Month** | **Male** | **Female** | **Total** | **Male** | **Female** | **Total** | **Grand Total** |
| January | 11 | 5 | **16** | 3 | 0 | **3** | **19** |
| February | 22 | 23 | **45** | 0 | 0 | **0** | **45** |
| March | 27 | 18 | **45** | 16 | 9 | **25** | **70** |
| April | 1 | 0 | **1** | 0 | 0 | **0** | **01** |
| May | 0 | 0 | **0** | 0 | 0 | **0** | **00** |
| June | 8 | 13 | **21** | 4 | 8 | **12** | **33** |
| July | 11 | 2 | **13** | 6 | 6 | **12** | **25** |
| August | 21 | 12 | **33** | 12 | 33 | **45** | **75** |
| **Total** | **101** | **73** | **174** | **41** | **56** | **97** | **271** |

| | **ACTV KAMPALA** | | | **ACTV GULU** | | | |
|---|---|---|---|---|---|---|---|
| status | Male | Female | **Total** | Male | Female | **Total** | **Grand Total** |
| Related to COVID19 | 26 | 14 | **40** | 3 | 1 | **4** | **44** |
| Not Related to COVID19 | 75 | 59 | **134** | 41 | 56 | **97** | **227** |
| TOTAL | **101** | **73** | **174** | **44** | **57** | **101** | **271** |

Ekitongole KyaAfrican Centre for Treatment and Rehabilitation of Torture Victims (ACTV) kivumirira ebikolwa ebyokutulugunya n'ebityoboola eddembe ly'obuntu ebitusibwa kubana Uganda nga bwebyalabikidde mukulonda kwakamyufu kwekibiina ekirimubuyinza.

Twongera okulubirira Uganda etalimu kutulugunyizibwa nomulamwa ogugamba nti; **“Tukomye ebikolwa eby’okutulugunya mukiseera kino ekya senyiga omukambwe (COVID19) nebwekinaaba kiwedde”**Kumulamwa gwegumu ogwo tusabba akalulu kamazima n’obwenkaya, bana Uganda bona mwebaweebwa ekitiibwa n’obukuumi nga bakozessa eddembe lyabwe eyokulonda mu demokulasiya akyakula owa Uganda.

N’olwekyo, Ekitongole kya African Centre for Treatment and Rehabilitation of Torture Victims (ACTV) kigamba nti ebintu binno wamanga biteekebwewo tusobole okubba n’akalulu akemirembe akatalimu bikolwa kutulugunya;

a) Ekitogole ky’ebyokulonda okuteka amanyi mukusomesa abantu kubuvunanyizibwa bwabwe mubiseera by’okulonda okusobola okwewala emivuyo egivamu okutulugunya.
b) Ekitongole kya sabawabbi w’agavumenti okulaba nga abantu abatulugunya basimbibwa mumbuga z’amateeka okusiinzira kuteeka eriziyiza ebikolwa ebyokutulugunya elya 2012.
c) Ebitongole eby’okwerinda (police, UPDF, Prisons) okutendekka abantu baabwe kuddembe ly’obuntu mukiseera kino eky’ebyokulonda, ate bakole n’okunonywereza kumissango gy’okutyobola eddembe ly’obuntu.

d) Tukubuliza abantu bonna okukozessa obuvunanyizibwa bwabwe obuweebwa munyingi 20 muteeka eriziyiza okutulugunyizibwa 2012 okuwaaba emissango gy’okutulugunya ku Uganda Police, mukitongole kya Uganda Human Rights Commission, nebitongole ebirala ebyeddembe ly’o buntu okugenza nga ACTV.

e) Tukubiria government ya Uganda okussa ekitiibwa mukusalawo kwa Kkoti ya semateeka ku teeka erilujjamywa enkungana (Public Order Management Act), olwo abantu beyagalire muddembe lyabwe elyokungana mumirembe. Ate era government essamunkola obuvunayibwa bwayo okutegekka akalulu akeddembe nga bwebulambikiddwa mumateeka ga Afrika na gensi yonna.

**Okufundikira:**

Tufundikira nga tukowoola gavumenti nabuli muntu okulabba nga ffena tuziyizza ebikolwa by'okutulugunya mubiseera by'okulonda nawankubadde tulimukiseera kyasenyiga omukabwe (COVID19).

**Samuel Herbert Nsubuga**
**Chief Executive Officer**
**ACTV**

Okuwaaba okutulugunya n'okufuna okubudabudubwa kubba kussimu enno; 0800202791
African Centre for Treatment and Rehabilitation of Torture Victims (ACTV)
Block No. 39, Plot 113, Owen Road (Off Tufnell Drive), Kamwokya
P.O.Box 6108 –KAMPALA| Tel: 256-312-263918/620
P.O. Box 1076, Gulu| Tel: +256-392-174677
Plot 16-18 Oulanya Tony Road
Email: actv@actvuganda.org |Web: www.actvuganda.org